**16th April 2017.**

# OKUZUUKIRA KWA YESU KRISTO MU BULAMU BWANGE.

Amakya ga leero tweegatta ku nsi y'abakkiriza bonna mu Yesu Kristo okujaguza amazuukira ge mu bafu, yadde ate ng'amazima gali nti buli lusooka era oluyitwa olunaku lwa Mukama, olwa Sande, ekitukuŋŋaanya awamu okusinza n'okutendereza, okusabira awamu, n'okusomesebwa ekigambo kya Mukama kwe kuba nga lwe lunaku kwe yazuukira mu bafu, abayigirizwa be, Abatume, kwe baatandikiranga okkuŋŋaana okunyweeza okukkiriza kw'abwe mu Masiya Yesu Kristo Omulokozi era Mukama w'obulamu bw'abwe, oluvannyuma lw'okuyimusibwa kwe okutwaalwa mu ggulu ng'abalabikiridde okumala ennaku amakumi ana.
Ku lwange obubaka bw'olunaku luno butera okumbeerera obuzibu okutegeka kubanga mu butuufu okuva mu Lubereberye okutuusa mu Kubikkulirwa buli kitabo kya Baibuli ky'olesa amakulu g'obulamu bwa Mukama waffe Yesu Kristo obukakasibwa okuzuukira kwe okuva mu bafu, n'olw'ekyo bwe nnumirizibwa omulamwa kw'ensiinziira okubuulira ekigambo kya Mukama okusinga ekyo kye mmanyidde eky'okusomesa ssuula ku ssuula, lunyiriri ku lunyiriri, obujjuvu bw'obulambukufu bw'okubuulirirwa kwa Mukama mu by'awandiikibwa bye ebitukuvu.

Ku lw'amakya ga leero, nalumirizibwa okuba n'omulamwa 'Gw'okuzuukira Kwa Yesu Kristo Mu Bulamu Bwange', ng'okusinga okuba n'okwejjukanya bwe gwaali e Yeerusaalemi emyaka 2,017 njagala obukakafu bw'okuzuukira kwa Yesu Kristo gy'endi n'era gyetuli ffenna bube obwo obwa nnamaddala obulina ebikakali bye buleetera obulamu bwaffe bwe bigwaanidde, kireme kuba nti tujaguzanga amazuukira ge nga bannaddiini abatakitegeeza, kubanga mu butuufu ensi yonna eri mu kujaguza amafa n'amazuukira ga Yesu Kristo mu biro bino ssi bonna bagoberezi oba bakkiriza ddala mu Yesu Kristo ate nga kye kyaamukomereza ku musaalaba, n'afa naaziikibwa, ate ku lunaku olw'okusatu n'azuukira okuva mu bafu emagombe ku lw'amaanyi ga Mukama Katonda w'eggulu n'ensi agaamulimu Yye kennyini, olwo ffenna tumukkiririzeemu era tumugobererenga emirembe gyonna.

Kwe kwaali okufuba kw'omutume Paulo mu kuwandiikira Abakkolinso mu bbaluwa ye esooka essuula 15,*(Gy'ensaba tusome yonna mu biro bino ku lwaffe.)*

Mu kuba ng'okuzuukira kwa Yesu Kristo kwa nnamaddala mu bulamu bwange n'obubwo ampuliriza, nnalabye nga kitugwaanidde okuba n'embala zino wammanga;

**Ng'okusooka kwe Kwagala:** Mu bulamu, n'okufa, n'okuzuukizibwa kwa Yesu Kristo mwayolesebwa gyetuli mu ngeri nnyingi nnyo era ez'amaanyi ennyo okwagala kwa Mukama Katonda Kitaffe omwagalwa gye tuli. Yokaana Omutume yakyeddiŋŋanyanga nnyo eky'okwagala kwa Mukama, nga mu ssuula 3:16, ne mu 13:1; 15:13 ne mu 17:25,26. Ng'omugatte zisoma nti "Kubanga Katonda bwe yayagala, ensi bw'atyo, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme kuzikirira, wabula afune obulamu obutaggwaawo. -Yesu bwe yayagala ababe mu nsi, yabalagira ddala okwagala kwe kwonna okutuusiza ddala ku kiseera ekisembayo. -Tewali kwagala kusinga okw'omuntu awaayo obulamu bwe olwa mikwano gye. – "Ayi Kitange Omutukuvu, ensi teyakumanya, kyokka Nze nkumanyi era n'abayigirizwa bano bamanyi nga ggwe wantuma. Era mbayigirizza ne bamanya erinnya lyo, era nzija kwongera okubamanyisa okwagala kwo kw'onjagala, kulyoke kubeerenga mu bo, era nange mbeere mu bo."
N'olw'ekyo obulamu bwange kibugwaanidde okubaamu n'okwagala okungi eri Mukama Katonda wange mu linnya lya Yesu Kristo n'eri ab'oluganda bonna, ate n'eri ensi n'amawanga gonna ag'abantu abali mu kubula nabo balokolebwe.

**Eky'okubiri kwe Kukkiriza:** Nti nga bwe gwaali eri abayigirizwa ba Yesu, nti wadde entakera yabakakasanga okufa kwe n'okuzuukira kwe bwe biriba, yasooka kuzuukira nabo ne bamukkiririzaamu ddala, teebereza nga bannyina be Yakobo ne Yuda, nga Paulo Omutume bwagamba mu I Abakk. 15:1-8 nti……Kubanga bwe tuba n'okubuusabuusa ku kyonna eby'obwakatonda, amazima gali nti okuzuukira kwa Yesu eyatukakasa mu Yokaana 11:25,26 nti "Nze kuzuukira n'obulamu; akkiriza nze newankubadde ng'afudde, aliba mulamu, na buli muntu omulamu akkiriza nze talifa emirembe n'emirembe". Kulina ttunyweeza.
Gyebuvuddeko nga tusomesebwa mu kitabo kya Danyeri, ku lwange nalaba nga mu ssuula ey'okusatu n'ey'omukaaga, mwalimu amaanyi g'okuzuukira agaasikiriza Kananiya, Misayeri, Azaliya ne Danyeeri okunyweera mu kukkiriza.

**Eky'okusatu Ly'essuubi:** Mazima ddala okuzuukira kwa Yesu Kristo okuva mu bafu nga bwe kyaasuubizibwa ne kiba, kirina okunkakasa awamu na fenna okuba n'essuubi mu bulamu buno. Lye tuyita essuubi eddamu mu Mukama waffe.
I Abakk.15:19-22 zigamba nti……..
Kyokka ekikulu wano ssi kwekuba nti mpanguzibwa okufa kyokka, wabula na byonna eby'embala y'okufa eyaleetwa ekibi, kubanga Yesu Kristo bwe yawangula ekibi n'akimpanguza ne byonna eby'akyo (amaanyi, okubeerwa, okusanyukirwa, n'empeera)('power, presence, pleasure and penalty of sin.)
N'olw'ekyo ntambula n'essuubi eddamu nti ndi muwanguzi n'okukirawo mu Yesu Kristo Mukama wange….Amiina.

**Eky'okuna Ge Maanyi:** Ku lwange nkitwaala nti essuubi ly'ennina lisiikuula amaanyi mu nze mu mwooyo, mu mmeeme ne mu mubiri, okutuukiriza okwagala kwa Mukama gyendi. Baebb.12:2,3 zigamba nti "……..
N'olw'ekyo olw'okuzuukizibwa kwa Yesu Kristo Mukama waffe, tulina kuba bamaanyi mu Yye, era tube ba maanyi mu Yye okkola okwagala kwa Mukama kwonna.

**Eky'okutaano Bwe Buvumu:** Nti n'era nga bwe gwaali eri abayigirizwa ba Yesu Kristo Abatume, oluvannyuma lw'okufa n'okuzuukira kwe bonna baafuna obuvumu mu bbo okujulira Yesu Kristo eri amawanga gonna, n'eri abo abaamukomerera, wadde babakangavvulanga. Tulaba mu Bikolwa by'Abatume essuula 2, nga Peetero eyeegaana Yesu Kristo ye musaale okubuulira enjiri y'obulokozi bw'okwenenya,ku musingi kw'okufa n'okuzuukira kwa Yesu Kristo. Mu ssuula 5, okufaananako ne 4, mu 5:29-32 zigamba nti "…….
N'olw'ekyo, okuzuukira kwa Yesu Kristo nange n'ammwe, kulina ottuwa obuvumu okuba abajulirwa be abatuufu era abalungi.

**Eky'omukaaga Bwe Bulamu Obuttagwaawo:** Entakera nate, Yesu Kristo nga bwe twaalabye mu Yokaana, yasuubizanga abaamuwulirizanga ne bamukkiririzaamu obulamu obuttaggwaawo, ne Paulo Omutume mu I Abakk. 15:50-57 zigamba nti…….
Okuteebereza, n'okutegeera 'obulamu obuttagwaawo' kizibu eri obwongo bwange, naye ate amazima gali nti tuli b'abusika bw'akyo olwa Yesu Kristo Mukama waffe, Halleluyah….

N’ekisembayo era ebigatte ebiringa icingi ku kkeeki ya byonna waggulu, kwe kuba nti olw’okuzuukira kwa Yesu Kristo Mukama waffe, obulamu bwange bulimu era bugwaanide okweyongeramu **Emirembe, n’essanyu n’obutuukirivu mu Mwooyo Omutuukirivu nga Bw’ebwakabaka bwa Mukama Katonda wange.**
Baruumi 14:17,18 zigamba nti “Kubanga obwakabaka bwa Katonda si kwe kulya n'okunywa, wabula butuukirivu na mirembe na ssanyu mu Mwoyo Omutukuvu: Kubanga aweereza Kristo mw’ebyo asanyusa nnyo Katonda, era asiimibwa n'abantu.”
Nkiwa nti ekigendererwa kya Mukama Katonda Kitaffe Omwagalwa awamu n’ekiluubirirwa kya Mukama Yesu Kristo Omulokozi eby’enkomeredde kwe ttuwa obwakabaka bwa Katonda tubusikire naffe, n’olw’ekyo mu byonna, okuzuukira kwa Yesu Kristo mu bulamu bwange kulina okumbeesa n’obwakabaka bwa Mukama Katonda wange gw’enzikiririzaamu era gwe njagala ennyo, ampa essuubi, amaanyi, n’obuvumu okumujulira mu bulamu obuttaggwaawo mu mirembe n’essanyu n’obutuukirivu. Amiina.

Ebyo gy’endi mu bulamu bwange bwe bukakafu bw’okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu Kristo by’ensaba bitubeere ffenna, emirembe n’ennaku zonna. Mu linnya lya Yesu Kristo Mukama waffe, Amiina.